ENNYINGO - 1

OBUJJAJJA BWA PAULO KIYINGI (PK)

1.1 Obujjajja

Paulo Kikwanguyira Kiyingi (Banadda) yali mutabani wa Samwiri Lwasi Buzaabo e Mpigi, muzzukulu wa Kiguli Kikkakka, ava mu Kamwanga Kalyesubula Kiddugavu. Yali ava mu Nansambu (ow'OLUNYIRIRI), mu MUTUBA gwa Mpiima mu Ggumba e Mbale Mawokota, mu SSIGA lya Luwanga era e Mpami Mbale Mawokota. Ow'Akasolya nga ye LWOMWA. Kalyesubula Kikonyogo eyakazibwako erya "Lwomwa", yeyali omukulu w'ekika ky'Endiga eyasooka. Obutaka bwa Lwomwa obukulu buli Mbaale mu Mawokota. Paulo Kiyingi yali musajja Muganda eyeddira e NDIGA , akabbiro MPOLOGOMA.

1.2 Ebyafaayo by'Ekika

Abawandiisi be byafaayo by'ebika bye Buganda abamu bagamba nti: Ab'Endiga jjajjaffe ye Sekkoba. Nti yava Bumogera mu Kavirondo okumpi ne Bukedi, n'asenga e Ssese ewa lubaale Wannema ku mirembe gya Kabaka Kayima (Kabaka ow'omusanvu mu ba Ssekabaka be Buganda). Nti yatuula ku mutala Busanga, ku kizinga Kkoome, ekimu ku bizinga bye Ssese ebiri mu nyanja Nalubaale. Nti eyo Sekkoba gye yazaalira omwana we eyasooka Bbosa, era naye n'amukuliza e Ssese ewa Wannema. Nti Bbosa okujja ku lukalu yajja nga Ssaabaddu wa Wannema ku mirembe gya Kabaka Nakibinge (c.1580-1607), nga y'atuusa ku Kabaka ebyetaago bya Wannema, era ne Kabaka byayagadde okutuma bidde eri Wannema nga Bbosa y'abitwala. Kabaka kwe kumuwa ekyalo Mutungo, ne kwaba azimba. Ku Mutungo okwo nti kweyazaalira omwanawe Kalyesubula Kikonyogo. Ono oluvanyuma bw'asikira kitaawe Bbosa kwe kukulira ekika ky'Endiga kyonna, n'afuna erinnya LWOMWA, era okuva ku ye Abakulu b'ekika ky'Endiga bonna babayita LWOMWA.

Abawandiisi abalala bo bagamba nti ekika ky'Endiga kimu ku bika binnansangwawo, ekyaliwo edda nga ne Kintu tannajja mu Buganda.

Kyokka ebiwandiiko byennafuna okuva ew'Omutaka Paulo Bbosa Lwomwa, bikakasa nti Abendiga tebavanga Bumogera, era ekyabwe ssi kye kimu ku bika binnansangwawo, newankubadde baaliwo dda mu Buganda. Abendiga jjajjaffe gwe tuvaamu ye MBAALE. Amaka ge gaaberanga ku mumwa gwa lusozi oluyitibwa Lwasi, mu Mawokota. Mbaale yavanga awo ku Lwasi n'agenda avuba ensonzi mu mugga Kkoba gw'ovaamu okulinnya akasozi Kavule olyoke otuuke e Katende, bw'oba ova e Masaka okudda e Kampala.

Lwali lumu, Mbaale bwe yali ng'avuba ensonzi mu Kkoba ne basisinkana ne Omutaka Ndugwa ow'Olugave. Emboozi bwe yagwa amakerenda, Ndugwa kwe kubuuza Mbaale nti, "Ye owange, eka olinayo omwana?" Ko Mbaale nti "Bwondeka musajja wattu, nga muggya wa?" Ndugwa kwe kumuddamu nti, "Ka nkulagirire eri omusawo agaba oluzaalo". Ko munne nti, "Nze amatu nteze". Ko Ndugwa nti, "Omusawo ali Ssese. Erinnya lye ye Mukasa, kitaawe ye Wannema". Waayitawo ntono Mbaale n'alamaga olw'e Ssese. Mukasa teyakaluubiriza Mbaale, nga amuwa ddagala lya luzaalo. Yamukalaatira nti, "Genda osimbe eddagala lino mu luggya lwo. Olabanga limeze, ng'omanya nti omwana ojja ku mufuna. Eddagala lye nkuwadde liyitibwa Kalyesubula. Kyokka omwana

gw'olisookerako okuzaala omumpanga abeere endobolo yange, nange mmanye nti nze nakuwa oluzaalo". Mbaale yamuddamu nti, "Gwe ayogedde gw'oludde".

Eddagala teyalirwisa ng'alitwala kulisimba mu luggya lwe. Lyali kyerijje limere, mukaziwe n'afuna olubuto. Okuzaala bwe kutuuka, yakubawo ddenzi. Omwana Mbaale yamutuuma Sekkoba okujjukiranga omugga Kkoba ogw'omukisa Ndugwa mwe yamuweera amagezi agaamufunyisa omwana. Mbaale yazaalayo abaana abalala basatu, n'alyoka aweza bana bonna awamu, era be bano:

1. Sekkoba
2. Ssekizimu
3. Nambi Nabbosa
4. Bbosa

Oluvannyuma Mbaale yatuukiriza obweyamo bwe yawa omusawo Mukasa mutabani wa Wannema e Ssese. Yasitula omwana we Sekkoba n'amutwalira Mukasa okuba endobolo ye, nga bwe yasuubiza ng'aggyayo oluzaalo. Bwatyo Sekkoba bweyagenda e Ssese, so teyava Bumogera.

1.3 Okutandika kw'Omuziro gw'Endiga

Mbaale yalina endiga ye ng'atambula nayo buli we yagendanga. Yamugobereranga ng'embwa bw'egoberera mukama wayo. Abantu kwe kumuyitanga omusajja ow'endiga oba ayita ne ndiga. Mbaale yalaba akaddiye anaatera okufa kwe kuyita abaana be n'abakalaatira nti, "Baana bange mbayise mukakase omuziro gwammwe, temulyanga endiga, endiga gwe muziro gwange era gwe muziro gwammwe. Newankubadde nga mbadde ngirunda naye mbadde sigirunda lwa kugirya, wazira mbadde ngirunda lwa kugyagala. Nammwe bwe munaabanga mwagala munaaberanga n'endiga mu maka gammwe naye temuzikolanga kabi konna. Alirya Endiga nga oyo takyali mwana wange, era ssi muzzukulu wange". Okuva olwo n'okutuusa kaakano, abaana n'abazzukulu ba Mbaale, mu nsi yonna gyeeva yenkana, tebaddangayo kulya Ndiga. Abo be bayitibwa ABALIGA.

Mbaale bwe yafa yasikirwa Bbosa. Ate Bbosa kwe kuzaala abaana bano:

1. Buvi
2. Namusota
3. Kalyesubula, n'abalala.

Bano baakyaka nnyo ku mirembe gya Ssekabaka Nakibinge (ow'omunaana mu ba Kabaka be Buganda), naddala mu lutalo lweyali alwanyisa Omulangira Jjuma nga ayambibwako Abanyoro. Anti Kalyesubula ye yazigira Kabaka Nakibinge, omuzira nnamige Kyobe Kyomubazzi "Kibuuka", omwana wa Wannema e Ssese, ajje amuyambe okulwanyisa Abanyoro b'eggye lya Jjuma. Kibuuka bweyattirwa mu lutalo olwo, Kalyesubula n'assibwa mu nvuba, sikulwa ng'adduka. Yali akyali mu nvuba, Kabaka Mulondo eyasikira Nakibinge n'awa ekiragiro nti musajja we Kalyesubula ateebwe aggyibwe mu nvuba. Kalyesubula olwamanya nga bwajja okuteebwa, kwe kwanguwa okumwako enviiri n'ekirevu ebyali bimukuliridde. Abantu abaasooka okulaba ku Kalyesubula nga mute baamubuuzanga kiki ekyamutuuseeko. Nga addamu nga abagamba nti "Lw'owona obusibe lw'omwa". Erinnya "Lwomwa" Kalyesubula lyamukalako mangu ng'ali e Mbaale, ng'amaze okuva mu busibe. Waayitawo ebbanga ttono bataka banne: Buvi, Kituuma, Nakatandagira, n'abalala ne bamulaba

obujagujagu n'okumanya okusala amangu ensonga. Tebaalwa ne bamulonda okubakulembera n'okubamaliranga ensonga z'omu kika kyabwe. Kabaka naye teyalwa n'amukakasa okuba Omukulu w'Ekika ky'Abendiga. Kalyesubula Lwomwa ye yasooka okukulira ekika ky'Endiga kyonna. Okuva edda n'edda waali tewabangawo mukulu wa kika kya Ndiga wa kasolya. Okutandika ne Kalyesubula, Abakulu b'ekika ky'Endiga bonna babayita LWOMWA, erinnya eritatuumibwa wa Ndiga mulala yenna wabula Omukulu w'Ekika ow'akasolya.

1.4 Amasiga

Mu kika kye Ndiga mulimu amasiga kumi na musanvu (17), era ge gano wamanga, awamu n'obutaka bw'abamasiga ago gyebusangibwa:

1.	Sserunkuuma	e	Mpami, Mawokota
2.	Luwanga	e	Mpami, Mawokota
3.	Namusota	e	Maziba, Mawokota
4.	Ssemiti	e	Buyanga, Mawokota
5.	Sekkoba	e	Busanga - Koome, Kyaggwe
6.	Ndalu	e	Mpanga, Mawokota
7.	Buvi	e	Bunnamweri, Mawokota
8.	Nakabaale	e	Membe, Mawokota
9.	Kiguli	e	Sseneene, Mawokota
10.	Ssekasamba	e	Busamba, Mawokota
11.	Ssekakoni	e	Bunnamweri, Mawokota
12.	Kaggwe	e	Bukaggwe, Mawokota
13.	Lutalo	e	Buyijja, Mawokota
14.	Mpungu	e	Bweya, Butambala
15.	Wakikunga	e	Mutungo, Kyaddondo
16.	Nakiyenje	e	Bugiri, Busiro
17.	Kibeevu	e	Ssi - Bukunja, Kyaggwe

Amasiga ana (4) agasooka waggulu: Sserunkuuma, Luwanga, Namusota ne Ssemiti, gebayita amasiga amalangira mu kika ky'Endiga, kuba omwo mwe muva oba mwe mulondebwa ba Lwomwa, mu mpalo. Eyo ye nnono y'ekika ky'e Ndiga era tekyusibwakyusibwa.

1.5 Ensibuko ya Paulo Kiyingi

Paulo Kiyingi yali asibuka mu ssiga lya Luwanga, essiga erimu ku 17 gonna awamu agali mu kika kye Ndiga, naye ate erimu ku masiga ana amalangira agalya obwa Lwomwa, omutaka omukulu owa Kasolya. Buno bwe bujjajja bw'olulyo lwa Kiyingi okuviira ddala ku Luwanga ow'essiga, abaanabe ab'emituba nga bwe baddiringana, ennyiriri awamu n'empya, mu migigi okuva ku gusooka ogwa Luwanga, okutuuka ku mugigi ogwomukaaga ogw'olubu lwa Paulo Kiyingi.

Emigigi egyo gigenda gigoberera baana balenzi bokka, nga bwekiri mu mpisa zaffe mu Buganda nti okuva edda nedda abaana abalenzi be balanza ekika.

OMUGIGI OGUSOOKA (1)

Luwanga, ow'Essiga e Mpami Mawokota yazaala abaana abalenzi basatu, era be bano:
1. Kaggulire
2. Mpiima
3. Kiyingi Ssemugooma.

Abo be bayita ab'Emituba - gy'Emituba esatu egiri mu Ssiga lya Luwanga e Mpami Mbale-Mawokota. Omutaka Paulo Bbosa Lwomwa aliko kati, ava mu Ssiga lya Luwanga, mu Mutuba gwa Kaggulire.

OMUGIGI OGWOKUBIRI (2)

Mpiima, (ow'Omutuba) omwana wa Luwanga owokubiri yazaala abaana bano:

1. Sekiryango	2. Sejjuki	3. Kaggulire
4. Nansambu	5. Nkonge	6. Kiguli
7. Kiyingi-Kaggulire	8. Mwotassubi	9. Nabbosa
10. Kinambogo	11. Nalunkuuma	

etc… N'abalala ab'omugigi guno bangi abatamenyebbwa.

OMUGIGI OGWOKUSATU (3)

Nansambu, omwana wa Mpima owokuna yazaala abaana bano:

1. Kadumya	2. Musoke Kiryampola	3. Kamwanga Kiddugavu
4. Gambizzi	5. Buwambazza	6. Mwanamujira
7. Kyambadde	8. Nkwamantya	9. Nabisubi
10. Ntudde		

etc… N'abalala ab'omugigi guno bangi abatamenyebbwa.

OMUGIGI OGWOKUNA (4)

Kadumya, omwana wa Nansambu omuberyeberye yazaala abaana bano:

1. Mpiima	2. Masiira

Kamwanga Kalyesubula Kiddugavu, omwana wa Nansambu owokusatu yazaala:

1. Bwetwajja Matembe Luggya	2. Kiguli Watamangi	3. **Kiguli Kikkakka**
4. Muwulu-azitowa	5. Lumu	6. Ndikyebuza Birabwa
7. Nakibuka	8. Ndibireka	9. Nakawuka
10. Kirivamuli.		

Gambizzi, omwana owokuna owa Nansambu yazaala bano:

1. Musoke Muzingu	2. Bbosa Mbwambera	3. Kiyingi Byekalazza
4. Kawesa Wozamangu	5. Luggya	6. Matembe
7. Nabuwufu	8. Kizaaye	9. Tebamalamu
10. Kamya	11. Najja.	

Kyambadde, omwana wa Nansambu owokutaano yazaala bano:

1. Bbwaddene 2. Kikoyo 3. Senkaali

etc… N'abalala ab'omugigi guno bangi abatamenyebbwa.

OMUGIGI OGWOKUTAANO (5)

Bwetwajja Matembe Luggya, omwana wa Kamwanga Kiddugavu asooka yazaala:

1. Kawesa Waggala 2. Kaggulire-Balimuttajjo 3. Kalyesubula Kayigwa
4. Bbosa Kyakulagira 5. Isaaka Batulabudde Sekkadde
6. Saala Mwenyango 7. Babiito 8. Kagabane.

Kiguli Watamangi, omwana wa Kamwanga Kiddugavu owokubiri yazaala bano:

1. Kironde Bajjunga 2. Kizalakula 3. Miriamu Nalugya

Kiguli Kikkakka, omwana wa Kamwanga Kiddugavu owokusatu yazaala bano:

1. Semyoni Kaddu Nansambu 2. Semyano Kiyingi 3. Samwiri Lwasi Buzaabo

Muwulu-azitowa, omwana wa Kamwanga Kiddugavu owokuna yazaala:

1. Bbosa-Nyago

Lumu, omwana wa Kamwanga Kiddugavu owokutaano yazaala:

1. Nakabaale

Bbwaddene, omwana wa Kyambadde omuberyeberye yazaala:

1. Luggya 2. Musibangatto 3. Kalyesubula 4. Kenge

Kikoyo, omwana owokubiri owa Kyambadde yazaala:

1. Kalyesubula 2. Kawesa Muvawala 3. Bbosa Sajjabbi
4. Nakibuuka 5. Mwenyango 6. Nabbosa
7. Nakiyingi 8. Nalugwa

Senkaali, omwana owokusatu owa Kyambadde yazaala:

1. Nasanayiri Kiyingi 2. Ssozi Kwalufu 3. Kulumba
4. Nyika Kibula 5. Musajja Kakata 6. Kabona
7. Nalunkuuma 8. Nalumu 9. Nakiyingi

etc… N'abalala ab'omugigi guno bangi abatamenyebbwa.

OMUGIGI OGWOMUKAAGA (6)

Kawesa Waggala, omwana omuberyeberye owa Bwetwajja Matembe yazaala:

1. Erenesti Serunkuuma Diiro 2. Nasanyiri Mukasa Luggya
3. Asiya Nalunkuuma

Kaggulire Balimuttajjo, omwana owokubiri owa Bwetwajja Matembe yazaala:

1. Danieri Kiguli Kijojje

Semyoni Kaddu (Nansambu) e Kawolo Kyaggwe, omwana omuberyeberye owa Kiguli Kikkakka yazaala:

1. Yowana Kiguli 2. Aguste Lumu Mula 3. Zeverio Serunkuuma Lule Kateetemera
4. Zidoolo Musoke Kalyesubula . Anna Nabbosa 6. Kuumekyoto

NB: Semyoni Kaddu ye yasikira Olunyiriri lwa **"Nansambu"** era mu nda ye kati olunyiriri mwe lulandira

Bbosa Nyago, omwana wa Muwulu-azitowa yazaala
1. Batulumayo Serunkuuma Aliddeki Mbizzi

Nakabaale, omwana omuberyeberye owa Lumu yazaala:
1. Nakabaale Sewaali

Luggya, omwana omuberyeberye owa Bbwaddene yazaala:
1. Musoke 2. Kibuuka 3. Kaddu
4. Nansambu 5. Serunkuuma 6. Nakawesa
7. Kizza 8. Kamya 9. Nalugwa
10. Nabbosa

Kalyesubula, omwana omuberyeberye owa Kikoyo yazaala:
1. Kiyingi 2. Nkonge 3. Nalugwa
4. Nakibuuka 5. Naluggya 6. Nakiyingi
7. Nakagulire

Kawesa Muvawala, omwana owokubiri owa Kikoyo yazaala:
1. Kiyingi 2. Kaggulire 3. Nnyika
4. Kibuuka 5. Kalyesubula Kisawuzi 6. Nalunkuuma
7. Nambi

Bbosa Sajjabbi, omwana owokusatu owa Kikoyo yazaala:
1. Kaggulire

Kulumba, omwana owokusatu owa Senkaali yazaala:
1. Mulisi Kisawuli 2. Muliika

Samwiri Lwasi Buzaabo, omwana owokusatu owa Kiguli Kikkakka yazaala:
1. Aloni Bapere Sekkadde 2. Fenekansi Nkonge 3. **Paulo Kikwanguyira Kiyingi**
4. Nasani Luggya 5. Anna Nambi Nabbosa 6. Esita Nakagulire

etc…N'abalala ab'omugigi guno bangi abatamenyebbwa.
Emigigi gino gyeyongerayo mu maaso n'abaana abava mu Mugigi Ogwomukaaga (6) ogw'olubu lwa Paulo Kiyingi (laba ku muko - 19). Naye ka tusooke tulabe ebitonotono ku buto bwa Paulo Kiyingi, okukula n'okusajjakula kwe.